**03rd March 2019.**

# EKIWEEBWAAYO OLW'OKWOONOONA.

**Eby'Abaleevi 4.**

Tuzze tulaba mu nsomesa zaffe okusaaba kw'omusaayi mu kuwaayo kw'ebiweebwaayo okwaali kukiikirira okuwaayo kw'obulamu bwa Mukama waffe Yesu Kristo ku lwaffe okuba omutango gw'ebibi byonna ekyaatuukirizibwa ku musaalaba, nze ne kimpa ekifaanani ky'okusaaba kwa Yesu Kristo mu byawandiikibwa byaffe mwe tusomesebwa mu kitabo ky'Eby'Abaleevi. (That Jesus Christ is literally smeared all over the text!)
Nga bwe nnali nkinokoddeyo oluwedde nti ekiweebwaayo ekyokye kyaalina amakulu g'okweweerayo ddala kwa Mukama waffe Yesu Kristo, ate ekiweebwaayo eky'emmere ne kiba n'amakulu g'obutuukirivu bwe, n'eky'olw'emirembe ne kiba n'amakulu ga Yesu Kristo okuba emirembe gyaffe era n'ensibuko y'obumativu bw'obulamu bwaffe. Ng'era ebiweebwaayo ebyo ebisatu byaali bya kyeyagalire, kino ekiweebwaayo olw'okwoonoona mu ssuula eno n'ekiweebwaayo olw'ekibi kye tunaalaba mu ssuula ey'okutaano byaali bikake, nga birina okuweebwaayo nga bwe guli nti ku nsi teri muntu atayonoona oba eyali tayonoonye okujjako Mukama waffe Yesu Kristo.

Bwe tusoma ennyanjula y'essuula, kiraga nga ebiragiro ebyaasooka mu ssuula essatu byaweebwa lumu, ate bino ne biweebwa ogwaddako……lnny.1….
Tusome essuula……….

Tulaba obwaawufu bw'ensolo ezaaragirwa okuweebwaayo; zi sseddume ku lw'ebibi bya Kabona omukulu awamu ne ku lw'ebibi by'eggwanga, ate embuzi ensajja ku lw'omufuzi, awamu n'enkazi ku lw'omuntu yenna owabulijjo okukiikirira endabika y'obukulu bw'okusalwa kw'omusango mu ngeri enjawufu eri buli omu. Nga Yakobo 3:1 bwe lukyaasanguza nti abayigiriza tebasaanye kubeera bangi kubanga balisalirwa omusango munene okusinga abalala.
Kyokka kikulu okukyeetegereza nti omwoonoonyi okukkirizibwa okutangiririrwa teyalina kuba na bugenderevu kwoonoona, [lnny. 2]. Kuba ne mu Kubala 15:30 tubuulirwa nti "Naye buli muntu anaakolanga ekibi mu bugenderevu, bw'anaabanga enzaalwa ne bw'anaabeeranga omugwira abeera mu mmwe,

omuntu oyo anaabanga avvodde Mukama Katonda, n'olwekyo anaagobwanga mu bantu be, ne bamwesalirako ddala."

Era nga Ngero 28:13 bwe lugamba nti "Oyo akweka ebibi bye, talifuna mukisa kukulaakulana, naye buli abyatula n'abireka, alisaasirwa." Olwaategeeranga ensobi omwoonoonyi yaleetanga ekiweebwaayo n'akilaamirizaako okweenenya kwe nga bwe gwaali ne mu biweebwaayo bye twaalaba olulala, ng'akikutte ku mutwe, okulaga okukiikirirwa kwaakyo mu kifo kye.
N'era ng'Abaebbulaniya 13:11-12 bwe zigamba nti "Kabona Asinga Obukulu yatwalanga omusaayi gw'ebisolo, olw'ebibi, mu kifo ekitukuvu era n'ennyama yaabyo n'eyokerwa ebweru w'olusiisira. N'olwekyo ne Yesu kyeyava abonaabonera era n'afiira ebweru w'ekibuga alyoke atutukuze n'omusaayi gwe ye." Tukirabye nti bwe kyaalagirwa Musa okkola mu byawandiikibwa bino.
Kyokka mu ndagaano enkadde kikulu okukyeetegereza nti okutangirirwa kw'ebibi kwalina amakulu g'okubibikkako obutabalirwa bw'omusango gwaabyo eri omwoonoonyi naye mu ndagaano empya olw'omusaayi gwa Yesu Kristo kulina amakulu g'okuggyibwaawo kw'ebibi ne bisangulibwaawo ddala. Era Zabbuli 32:1,2 ne zibeerera ddala n'amakulu; "Alina omukisa oyo asonyiyiddwa ebyonoono bye ekibi ne kiggyibwawo. Alina omukisa omuntu oyo Mukama gw'atakyabalira kibi kye, ne mu mutima gwe nga temuli bukuusa."

Era omulaka gw'okusomesebwa kwaffe leero kwe kukakasa obukuli bw'ensonga y'ekibi, nga bwe kiri ekibi ennyo, kyokka nti Yesu Kristo yakiyinza era bwe tweeweerayo ddala gyaali atutukuliza ddala.
I Yok. 2:1 – 6 ……………..

Abaeb. 13:13 bwe lugamba nti "Kale naffe tufulume tulage gy'ali ebweru w'olusiisira nga twetisse ekivume kye."
Nti kitugwaanira okuttira ddala omubiri gw'ekibi twaawukanyizibwe nakyo. Bwe tuyigganyizibwa olw'obutuukirivu mu ngeri ez'enjawulo olw'okukkiririza kwaffe mu Yesu Kristo, tuba tufulumizibwa nga bwe yali, ng'abonyaabonyezebwa.